OBUBENJE BWA SHIRIK OBUNA

(2nd Edition)

Kiwandiikiddwa

Abu Sa'ad Muhammad Quraish Mazinga

بسم الله الرحمن الرحيم

Amatendo amalungi era amajjuvu ga Allah ﷾ Omulezi w'ebitonde. Oyo eyatonda ebitonde byonna, ebirabwako n'ebitalabwako. Ebiri mu ggulu ne mu nsi, ebiri ku lukalu n'ebiri mu mazzi, ebiri mu bbanga n'ebiri mu ttaka, ebisajja n'ebikazi, ebyamaanyi n'ebinafu, ebitambula n'ebyewalula, ebibuuka n'ebitabuuka, ebinene n'ebitono, ebikaafiiri n'ebikkiriza. Buli kitali yye, kitonde kye. Kiri wansi wa bufuzi bwe obujjuvu, y'akigabirira era y'akyusakyusa embeera zaakyo ennungi n'embi.

Tumusaba asse okusaasira n'emirembe ku mubaka we Ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ oyo gwe yatutumira okutuggya mu bubuze okutuzza eri obulungamu. Njulira nti Nabbi waffe Muhammad ﷺ yafa amaze okutukakasa nti omuntu yenna afa nga mushiriku talikomba ku Jjana ya Allah ey'ebyengera, wabula aliseegera mu muliro ogwentiisa obugenderevu n'obugenderevu.

Mugandawange ne mwannyinaze Omusiraamu, kimanye nti tewali kyengera kisinga kuyingira Jjana ya Allah ﷻ eyo Allah jeyawunda n'agiteekamu buli kisanyusa amaaso g'omuntu, n'amatu ge, wamu n'omutima gwe. Erimu ebyengera amaaso bye gatalabangako, n'amatu bye gatawulirangako, n'olulimi bye lutakombangako, n'omutima bye gutalowoozangako!! Yagamba ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ وَفِيهَا مَا تَشْتَهِيهِ ٱلْأَنفُسُ وَتَلَذُّ ٱلْأَعْيُنُ ۖ وَأَنتُمْ فِيهَا خَٰلِدُونَ ﴿٧١﴾ ﴾

الزخرف

Era (mu Jjana) mulimu buli myoyo kye gyeyagaliza, na buli kisanyusa amaaso okulaba, ate nga temuligifulumamu olubeerera!

N'agamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith al Qudus eva ku Abu Hurairat ؓ nti:

قَالَ اللهُ تَعَالَى: أَعْدَدْتُ لِعِبَادِيَ الصَّالِحِينَ مَا لاَ عَيْنٌ رَأَتْ وَلاَ أُذُنٌ سَمِعَتْ وَلاَ خَطَرَ عَلَى قَلْبِ بَشَرٍ (متفقٌ عليهِ)

Yagamba ow'ekitiibwa Allah nti: Nategekera abaddu bange abalongoofu (mu Jjana), amaaso bye gatalabangako, wadde okuwulirwako amatu, wadde okulowoozebwako omutima gw'omuntu.

Omusiraamu yeegomba era yeeyagaliza ebirungi ebya buli kika naye ekintu kyasinga okwegomba n'okuyaayaanira y'ejjana. Yeegomba obugagga, obufuzi, obuyivu, emirembe, obulungi, obufumbo, oluzaalo, obuganzi, obulamu obulungi, amaka amalungi n'ebirala bingi. Kyokka yeegomba nnyo Ejjana okusinga bwe yeegomba ebintu ebyo era tasobola kukola shirik asobole okubifuna kubanga akimanyi nti shirik amukaafuwaza ate omukaafiiri talikomba ku Jjana.

Mu ngeri y'emu Omusiraamu talina kintu ky'atya, kye yeeraliikirira okusinga omuliro Jahannam ogwo Allah ﷻ gwe yateekateekera abakaafiiri n'abajeemu mu bantu n'amajinni. Omuliro ogwayitirira okwokya ne gulungibwamu ebibonerezo ebya buli kika.

Ogujjuddemu buli kika ky'entiisa n'obunyomoofu. Ogujjuddemu obulumi obwesisiwaza okulowoozaako, n'emiranga egitaliiko musaasizi, n'okulaajana okutaliiko mudduukirize, n'okwejjusa okutagasa. Nsaba Allah ﷻ aguntaase nammwe. Yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Hurairat ؓ nti:

نَارُكُمْ هَذِهِ الَّتِي يُوقِدُ ابْنُ آدَمَ جُزْءٌ مِنْ سَبْعِينَ جُزْءًا، مِنْ حَرِّ جَهَنَّمَ» قَالُوا: وَاللهِ إِنْ كَانَتْ لَكَافِيَةً، يَا رَسُولَ اللهِ قَالَ: «فَإِنَّهَا فُضِّلَتْ عَلَيْهَا بِتِسْعَةٍ وَسِتِّينَ جُزْءًا، كُلُّهَا مِثْلُ حَرِّهَا (متفق عليه)

Omuliro gwammwe guno omuntu gw'akozesa (ku nsi) kitundu kimu mu kwokya ku bitundu nsanvu eby'omuliro Jahannama! Ne bagamba nti: Wallaahi guno (ogwokunsi) gumalira ddala bulungi okubonereza - owange ggwe Omubaka wa Allah!! Nabbi n'abagamba nti: Jahannama yasukkulumizibwa ku muliro gw'edduniya mu kwokya ebitundu nkaaga mu mwenda, nga buli kitundu kyenkana n'ogw'edduniya okwokya.

Obwo nno bwe buddo bw'abo abaasiima ensi ne bagigulumiza, ne bawewula enkomerero, ne batatya kutiisibwa kwa Allah ﷻ wadde okwegomba ebyengera bye by'abasuubiza, ne bakwata obulungamu ne babugulamu obubuze, ne bakwata essanyu lyabwe ne baligulamu okuzikirira n'okubonaabona okwolubeerera!! Ne bazimba amasabo basobole okugaggawala! Ne basiiba mu masabo bawone ebizibu! Ne basoma emmisa n'abakaafiiri basobole okubawa obululu! Ne bakola emidaala egitunda ebyawongo! Ne bakaafuwala ne beewaayo eri okuzikirira okw'olubeerera!! Abo Allah ﷻ b'ayogerako nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ ٱشۡتَرَوُاْ ٱلۡكُفۡرَ بِٱلۡإِيمَٰنِ لَن يَضُرُّواْ ٱللَّهَ شَيۡـٔٗا وَلَهُمۡ عَذَابٌ أَلِيمٞ ١٧٧ ﴾
آل عمران

Mazima abo abaakwata Obukkiriza ne babugulamu obukaafiiri tebalina kyonna kye bakosa Allah, era balina ebibonerezo ebiruma ennyo.

OBUBENJE BWA SHIRIK OBUNA

Mugandawange ne mwannyinaze Omusiraamu, - nsaba Allah ﷿ akuteekeko okusaasira kwe, akuteeke mu baddu abamusaba n'abaanukula era abamusaba okubasonyiwa n'abasonyiwa – kimanye nti ezzambi erisinga obunene mu maaso ga Allah ﷿ ye shirik. Teriiyo zzambi linyiza Allah ﷾ kusinga shirik. Teriiyo muddu Allah ﷿ gw'atamwa kusinga mushirik. Teriiyo Nabbi Allah ﷿ gwe yatuma okuggyako nga yatumwa kulwanyisa shirik. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ وَلَقَدۡ بَعَثۡنَا فِي كُلِّ أُمَّةٖ رَّسُولًا أَنِ ٱعۡبُدُواْ ٱللَّهَ وَٱجۡتَنِبُواْ ٱلطَّٰغُوتَۖ ٣٦ ﴾ النحل

Mazima twatuma mu buli kibiina Omubaka, abagambe nti: Musinze Allah yekka, mwesambe byonna ebisinzibwa ebitali yye.

Olw'obunene bw'ezzambi lya shirik, ow'ekitiibwa Allah yaliteekako obubenje bungi obutiisa omutima omulamu ogulimu akeebuulirira. Obubenje obusingira ddala okuba obw'entiisa buli buna era gwe mulamwa gw'ekitabo kino. Omuntu yenna agwa mu shirik omunene aba agudde butereevu mu bubenje buno era bw'afa nga teyeenenyezza taddamu kukomba ku ssanyu obugenderevu n'obugenderevu ne bw'aba ng'abadde mumanyifu mu kuyigganya embizzi n'abatamiivu ku kyalo. Nsaba Allah ﷿ abututaase fenna.

AKABENJE AKASOOKA

Omuntu bw'akola shirik, afuluma mu Busiraamu n'afuuka omukaafiiri yennyini ne bw'asigala ng'asaala, ng'asiiba, ng'awa zakat, ng'agenda e Makka, ng'asoma Qur'aan, ng'ayogera oluwarabu, ng'akulembera Abasiraamu, ng'ayambala ekkanzu n'enkoofiira, ng'ayambala Jilbaab, ng'atoola salaamu, nga talya mbizzi, nga tanywa mwenge, ng'alina n'ebitendo by'abasiraamu ebirala ebyokungulu. Oyo nno y'ayitibwa Murtad. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمَن يَدْعُ مَعَ ٱللَّهِ إِلَٰهًا ءَاخَرَ لَا بُرْهَٰنَ لَهُۥ بِهِۦ فَإِنَّمَا حِسَابُهُۥ عِندَ رَبِّهِۦٓ ۚ إِنَّهُۥ لَا يُفْلِحُ ٱلْكَٰفِرُونَ ﴿١١٧﴾ ﴾ المؤمنون

Oyo yenna asinza Allah ng'amusinzizaako ekintu ekirala ky'atalinaako bujulizi (bukigwanyisa kusinzibwa), mazima wa kwennyonnyolako eri Omulezi we (Allah).
Mazima abakaafiiri ssi ba kuwona.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ لَّقَدْ كَفَرَ ٱلَّذِينَ قَالُوٓا۟ إِنَّ ٱللَّهَ ثَالِثُ ثَلَٰثَةٍ ۘ وَمَا مِنْ إِلَٰهٍ إِلَّآ إِلَٰهٌ وَٰحِدٌ ﴿٧٣﴾ ﴾ المائدة

Mazima baakaafuwala abo bonna abaagamba nti: Allah ali omu mu basatu (trinity). So nga tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako asinzibwa Omu yekka Allah.

N'omubaka Muhammad ﷺ yagamba mu Hadiith eva ku Abu Hurairat ﵁ nti:

مَنْ أَتَى عَرَّافًا أَوْ كَاهِنًا فَصَدَّقَهُ بِمَا يَقُولُ فَقَدْ كَفَرَ بِمَا أُنْزِلَ عَلَى مُحَمَّدٍ

(رواه أحمد، والحاكم، وصححه الألباني في المشكاة)

Omuntu agenda eri omusamize oba omulaguzi, n'akkiririza mu by'amugambye, mazima ddala aba akaafuwalidde byonna ebyassibwa ku Muhammad ﷺ.

Ne Swahaaba ayitibwa Zaid Ibn Khaalid Al Juhanie ﵁ atunyumiza nti:

صَلَّى بِنَا رَسُولُ اللهِ ﷺ صَلاةَ الصُّبْحِ بِالْحُدَيْبِيَةِ فِي إِثْرِ السَّمَاءِ كَانَتْ مِنَ اللَّيْلِ، فَلَمَّا انْصَرَفَ أَقْبَلَ عَلَى النَّاسِ فَقَالَ: «هَلْ تَدْرُونَ مَاذَا قَالَ رَبُّكُمْ؟» قَالُوا: اللهُ وَرَسُولُهُ أَعْلَمُ، قَالَ: " قَالَ: أَصْبَحَ مِنْ عِبَادِي مُؤْمِنٌ بِي وَكَافِرٌ، فَأَمَّا مَنْ قَالَ: مُطِرْنَا بِفَضْلِ اللهِ وَرَحْمَتِهِ فَذَلِكَ مُؤْمِنٌ بِي كَافِرٌ بِالْكَوْكَبِ، وَأَمَّا مَنْ قَالَ: مُطِرْنَا بِنَوْءِ كَذَا وَكَذَا فَذَلِكَ كَافِرٌ بِي مُؤْمِنٌ بِالْكَوْكَبِ (متفق عليه)

Omubaka wa Allah yatusaaza esswala ya Subuh mu kifo ekiyitibwa Hudaibiyah, oluvannyuma lw'ekire ky'enkuba ekyali kitonnye ekiro ekyo. Bwe yamala okutoola Salaam, yakyuka n'atunuulira abantu, n'abagamba nti: Mumanyi Omulezi wammwe ky'ayogedde? Ne bagamba nti: Allah n'omubaka we be bamanyi. N'abagamba nti: Agambye nti: Bukeesezza nga mu baddu bange mulimu Abakkiriza n'abakaafiiri: Oyo yenna agambye nti: Allah y'agitonyesezza (enkuba) olw'obulungi bwe n'okusaasira kwe (eri ebitonde bye), oyo Mukkiriza munze, ate mukaafiiri eri emmunyenye. Ate agambye nti: Munyenye bweti ne bweti y'egitonyesezza, oyo mukaafiiri gyendi, mukkiriza eri emmunyenye.

N'olw'ekyo omuntu yenna alina essabo, oba aligendamu okumalirayo ebizibu bye, oba omukubi w'ekitabo, oba alina omudaala ogutunda ebyawongo ebikozesebwa mu shirik, oba omulogo, oba ayalula abalongo, oba alina ekyoto kya lubaale ekitazikira, oba embuzi ya lubaale, oba afuuwa emmindi ey'eddogo, oba agema enkuba, oba alina ebigali wansi w'ekitanda, oba ayabya olumbe.

Oba abalina obuyumba mbu obulimu empewo z'ekika, oba abagenda mu kyalo mbu empewo zibafuuweko ebibadde byesibye bitaggulukuke, oba aba family okukungaana ne balima ku ntaana mbu abafu abaanyiga bate emikisa jaabwe (ne bwe bakituuma ***'okumanyagana'*** tekibawonya bukaafiiri), oba asalira lubaale ekinyonyi oba ekisolo oba omuntu, oba asalira omusinji, oba akasolya, oba tanuulu, oba oluguudo,

Oba eyeesala eddagala ly'obukuumi (eyeesandagga), oba ery'amagezi, oba ery'emikisa, oba ery'obugagga, oba ery'obuganzi, oba ery'emirimu, oba eyeesiba yirizi n'ajeesigamira okumutangira ebizibu oba okumuleetera emigaso, oba avunnamira ekitali Allah ﷻ, oba abasaba ebitali Allah ﷻ ebintu ebyeyawulidde Allah; ng'oluzaalo, obulungi, emikisa, obuganzi, obugagga, obuwanguzi, amagezi, emirembe n'ebirala.

Oba abagamba nti omukyala taba na ddiini, eddiini y'omwami we y'eddiini ye. Oba abagamba nti amadiini ag'enjawulo makubo bukubo agatutuusa fenna eri Allah ﷻ ng'atusiimye!! Anti mbu ayise e Kibuye n'ayise e Wakaliga bonna batuuka e Nateete! Oba mbu ayise e Gayaaza n'ayise e Mukono bonna batuuka e Kayunga. Oba abakkiririza mu ba lubaale: Ddungu, Kibuuka, Mukasa, Musoke, Muwanga, Kiwanuka, Ndaula, n'abalala. ***Kimanye nti amannya ago n'amalala agalina***

akakwate ku shirik Omusiraamu takkirizibwa kugeetuuma wadde okugatuuma omwana we*. *Eyalituumibwa akakatibwako okulikyusa ng'omubaka ﷺ bwe yakyusa amanyya ga ba swahaaba abawera olw'okukontana n'enzikiriza entuufu.

Omuntu yenna akola ekimu ku bintu ebyo byemmenye n'ebirala ebiyitirivu ebibifaanana bye simenye, aba akaafuwadde ng'avudde mu Busiraamu ne bw'afiira e Makka ng'avunnamye, ng'ayambadde ekkanzu n'enkoofiira, ku lunaku lw'ejjuma, mu mwezi gwa Ramadhan. Anti ebyo byonna bigasa Musiraamu tebigasa mukaafiiri.

Taguumaazibwa eky'okuba nti yeeyita oba ayitibwa seeka, oba Hajj, oba Hajjat, oba Musiraamu, oba Swaaba, oba Jjama, oba Yaakhe. Ekitaasa omuntu mu maaso ga Allah ﷿ si mannya abantu ge bamuyita olw'obutamanya by'akola nga yeekwese, wabula ekyo Allah ﷾ ky'amanyi era ky'alaba mu mutima gwe kye kimutaasa oba kye kimuzikiriza. Kasita okakasa nti okola shirik matira nti toli Musiraamu wadde tewali muntu yenna amanyi bigali bye wassa wansi w'ekitanda. Yanguwa mangu nnyo weenenye odde mu Busiraamu nga tonnafa. Gwe tolaba bano abannanfuusi abeeyita Abakkiriza Allah ﷾ amanyi ebiri mu mitima gyabwe bwe yabalimbisa?!! Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَقُولُ ءَامَنَّا بِٱللَّهِ وَبِٱلۡيَوۡمِ ٱلۡأٓخِرِ وَمَا هُم بِمُؤۡمِنِينَ ٨ ﴾ البقرة

Ne mu bantu mulimu abagamba nti bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero kyokka nga ssi Bakkiriza.

Mbu wali **"ewa Musiraamu ku dduuka"** kyokka nga mu dduuka lye mulimu yirizi mbu emusikira abaguzi!! Oba nti gali **maka ga Hajj oba Hajjat gundi** … kyokka nga mu maka ago

mulimu essabo oba obuyumba omukuumirwa empewo z'ekika!! Omusiraamu musiraamu abantu ne bwe bamuyita omukaafiiri, n'omukaafiiri mukaafiiri abantu ne bwe bamuyita Omusiraamu. Nsaba Allah ﷻ atutaase obukaafiiri atukuumire enzikiriza zaffe tumusisinkane ng'atusiimye.

AKABENJE AK'OKUBIRI

Omusiraamu ow'ekitiibwa, bw'oba okitegedde nti omushiriku aba mukaafiiri, kimanye era nti omuntu bw'akola shirik omunene, emirimu gye gyonna emirungi jeyakulembeza okukola – ng'esswala, okusiiba, okusaddaaka, n'emirala - Allah ﷻ agisazaamu n'aba ng'atakolangayo kalimu konna kalungi. N'emirimu gyonna gy'akola oluvannyuma lw'okukola shirik oyo Allah ﷻ tagikkiriza olw'ensonga nti Allah takkiriza kusinza kwa mukaafiiri. Yagamba omutonzi Allah ﷻ oluvannyuma lw'okutunyumiza ku ba Nabbi be n'ebitiibwa byabwe nti:

﴿ وَلَوْ أَشْرَكُوا۟ لَحَبِطَ عَنْهُم مَّا كَانُوا۟ يَعْمَلُونَ ﴿٨٨﴾ ﴾ الأنعام

Singa bangattako ekintu kyonna, emirimu gyabwe gyonna emirungi gyalibafudde busa.

N'alabula omubaka we gw'asinga okwagala – Muhammad ﷺ nti:

﴿ وَلَقَدْ أُوحِىَ إِلَيْكَ وَإِلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ
وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلْخَـٰسِرِينَ ﴿٦٥﴾ ﴾ الزمر

Mazima ddala wassibwako obubaka, era bwassibwa ne kwabo abaakusooka okutumibwa, nti: singa ogatta ku Allah ekintu kyonna, emirimu gyo gyonna gisazibwamu n'obeerera ddala mu bafaafaaganiddwa.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمَا مَنَعَهُمْ أَن تُقْبَلَ مِنْهُمْ نَفَقَٰتُهُمْ إِلَّآ أَنَّهُمْ كَفَرُوا۟ بِٱللَّهِ وَبِرَسُولِهِۦ ﴿٥٤﴾ ﴾ التوبة

Tewali nsonga yagaanisa okuwaayo kwabwe okukkirizibwa okuggyako lwa kuba nti baakaafuwalira Allah n'omubaka we.

Allah سبحانه وتعالى n'atukubira ekifaananyi ky'emirimu gy'abashiriku, n'agamba nti:

﴿ مَّثَلُ ٱلَّذِينَ كَفَرُوا۟ بِرَبِّهِمْ ۖ أَعْمَٰلُهُمْ كَرَمَادٍ ٱشْتَدَّتْ بِهِ ٱلرِّيحُ فِى يَوْمٍ عَاصِفٍ ۖ لَّا يَقْدِرُونَ مِمَّا كَسَبُوا۟ عَلَىٰ شَىْءٍ ۚ ذَٰلِكَ هُوَ ٱلضَّلَٰلُ ٱلْبَعِيدُ ﴿١٨﴾ ﴾ إبراهيم

Ekifaananyi ky'abo abaakaafuwalira Omulezi waabwe: Emirimu gyabwe giringa evvu erifuumuuddwa ne lisaasaanyizibwa embuyaga ey'amaanyi mu lunaku olw'omuyaga ogukunta. Tebalisobola (kufuna mpeera) mu mulimu gwonna (omulungi) gwe baakola. Obwo nno bwe bubuze obw'ewala ennyo.

Omuntu yenna akola ekintu kyonna kw'ebyo ebyamenyeddwa waggulu (mu kabenje akasooka), oba ekibifaanana mu nnamula

ne bwekiba tekyamenyeddwa, akimanye nti emirimu gye gyonna emirungi Allah ﷾ yagisazaamu okuva lwe yeebagala shirik oyo, era n'emirala gy'akola kati agikolera wabweru wa Busiraamu era tagifunamu mpeera yonna. Okuggyako oyo yekka eyafuna okwejjusa oluvannyuma lw'okukikola n'akivaako. Oyo aba Musiraamu era n'emirimu gye gyonna Allah ﷿ yagimuddiza – olw'okusaasira kwe - nga bwe tugenda okukiraba mu maaso inshaa'Allah.

Omusamize, oba omukubi w'ekitabo, oba amalira ebizibu bye mu ssabo, oba omulogo, oba atunda ebyawongo, oba atatamwa ssabo wadde talirina, oba akola mu biggwa eby'obuwangwa, oba akola mu ssabo ne bwe litaba lirye, oba eyeeyambululira mu masanganzira, oba mu migga, oba mu nnyanja, oba ayalula abalongo, oba agema enkuba, oba afuuwa emmindi ey'eddogo.

Oba alina yirizi gye yeesiba, oba gye yasiba mu baana, oba mu kidduka kye, oba mu nsolo ye, oba mu dduuka lye, oba ntanga y'eri mu mulyango, ng'agyesigamira okumuleetera emigaso oba okumutangira ebizibu ne bw'asaala esswala zonna ez'etteeka n'eza kyeyagalire, ne bw'asaddaaka emmaali ye yonna, ne bw'aba Imam wa muzikiti, ne bw'awaayo ettaka ne lizimbibwako omuzikiti n'essomero, ne bw'asiibulula abasiibi, ne bw'atigomya embizzi n'abatamiivu ku kyalo, ne bw'azaala oba n'azaalibwa seeka, ne bw'akola emirimu emirungi gyonna n'agimalayo, ne bwe yeeyita oba n'ayitibwa Omusiraamu, oba seeka, oba Imaam, oba Hajj, oba Hajjat - tafuna mpeera yonna mu mirimu egyo kubanga aba mukaafiiri ow'ekikolo.

Anti Allah ﷾ yatulagira tusooke tubeere Abasiraamu twewale shirik nga tannatulagira kusaala wadde okuwa zakat wadde okusiiba wadde okukola Hijja era n'afuula empagi y'obusiraamu

esooka nga ye Shahaada so ssi Sswala. Oyo yenna abuuka empagi y'obusiraamu esooka, n'agenda ku yookubiri ey'esswala, aba asaalira wabweru wa Busiraamu. Oyo yenna abuuka empagi y'obusiraamu esooka, n'awa zakat, aba agiweeredde wabweru wa Busiraamu.

N'empagi endala zonna bwezityo, n'emirimu emirala gyonna emirungi bwegityo; Tewali agifunamu mpeera yonna okuggyako nga yatuukiriza bulungi empagi y'obusiraamu esooka n'amenyawo, n'awakanya, era ne yeesamba byonna ebisinzibwa ebitali Allah ﷾ n'ayimirizaawo okusinzibwa kwa Allah ﷾ yekka n'atongoleza n'omubaka Muhammad ﷺ Obubaka.

Ago ge makulu g'ekigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah…*** omuntu g'ateekeddwa okuba nago mu bulamu bwe alyoke abe Omusiraamu akole Ibaada nga Allah ﷾ azikkiriza. Soma ekitabo: "***Laa Ilaaha Ill'Allah, Amakulu Gaakyo, Empagi Zaakyo, N'obukwakkulizo Bwakyo"*** osobole okunnyonnyoka obulungi amakulu g'empagi y'obusiraamu esooka (shahaada).

Akakwakkulizo akakulu ak'okukkirizibwa kw'omulimu omulungi (Ibaadat) kwe kuba ng'agukoze Musiraamu atalina shirik yenna. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ مَنْ عَمِلَ صَٰلِحًا مِّن ذَكَرٍ أَوْ أُنثَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَلَنُحْيِيَنَّهُۥ حَيَوٰةً طَيِّبَةً ۖ
وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُم بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا۟ يَعْمَلُونَ ﴿٩٧﴾ ﴾ **النحل**

Omuntu yenna akola omulimu omulungi, abe Musajja oba Mukyala, kyokka nga Mukkiriza, tujja kumuwangaaliza mu bulamu obulungi (ku Dduniya: okumutebenkeza omutima,

n'okumumatiza n'ekyo ky'alina, n'okumugabirira nga tatawaanye. Ate ku Akhirat:) Tumuwe empeera esingira ddala okuba ennungi mw'ebyo bye yakolanga.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ مَا كَانَ لِلْمُشْرِكِينَ أَن يَعْمُرُوا مَسَاجِدَ اللَّهِ شَاهِدِينَ عَلَىٰ أَنفُسِهِم بِالْكُفْرِ ۚ أُولَٰئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ وَفِي النَّارِ هُمْ خَالِدُونَ ﴿١٧﴾ ﴾ التوبة

Abashiriku tebagwanirangako n'akatono kuyimirizaawo mizikiti gya Allah ﷻ (okugisaaliramu, okugirabirira, n'okugizimba) ng'embeera yaabwe ebawaako obujulizi nti bakaafiiri. <u>Emirimu gyabwe gibafa busa</u> era mu muliro tebalivaamu.

Kyokka singa omushiriku yeenenya olwenenya olw'amazima nga tannafa, Allah ﷻ amusonyiwa era n'amuddiza n'emirimu gye emirungi egyali gyasazibwamu. Tugenda kulaba ensonga eno mu bugazi mu kabenje akokusatu akaddako.

AKABENJE AK'OKUSATU

Omuntu bw'akola shirik omunene, n'afa nga tamwenenyezza, Allah سبحانه وتعالى tamusonyiwa era aba ateekeddwa okuyingira omuliro gw'atalifulumamu obugenderevu n'obugenderevu. So ate singa omuntu afa ng'alina ezzambi eritakaafuwaza ly'ateenenyezza, ne bwe liba ddene nnyo ng'okwenda oba okulya riba, kyokka ng'omuntu oyo yakuuma bulungi tauhiid ne yeewalira ddala shirik, omuntu oyo abeera wansi w'okusalawo kwa Allah عز وجل, bw'ayagala amubonereza ekiseera ky'ayagadde oluvannyuma n'amuyingiza Ejjana, ate bw'ayagala amusonyiwa n'atamubonererezaako ddala. Yagamba ow'ekitiibwa Allah عز وجل nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغۡفِرُ أَن يُشۡرَكَ بِهِۦ وَيَغۡفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُۚ وَمَن يُشۡرِكۡ بِٱللَّهِ فَقَدۡ ضَلَّ ضَلَٰلَۢا بَعِيدًا ١١٦ ﴾ النساء

Mazima Allah tasonyiwa kumugattako kintu kyonna, so ng'asonyiwa gw'aba asazeewo okusonyiwa ezzambi lyonna eritenkana shirik. Mazima oyo yenna agatta ku Allah ekintu kyonna aba abuze olubula olw'ewala.

N'agamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ وَصَدُّواْ عَن سَبِيلِ ٱللَّهِ ثُمَّ مَاتُواْ وَهُمۡ كُفَّارٞ فَلَن يَغۡفِرَ ٱللَّهُ لَهُمۡ ٣٤ ﴾ محمد

Mazima abo abaakaafuwala ne beekiika mu kkubo lya Allah, (ne balwanyisa Obusiraamu), oluvannyuma ne bafa nga bakaafiiri, Allah ﷻ talibasonyiwa.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ كَفَرُواْ وَظَلَمُواْ لَمْ يَكُنِ ٱللَّهُ لِيَغْفِرَ لَهُمْ وَلَا لِيَهْدِيَهُمْ طَرِيقًا ١٦٨ إِلَّا طَرِيقَ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدًاۚ وَكَانَ ذَٰلِكَ عَلَى ٱللَّهِ يَسِيرًا ١٦٩ ﴾ النساء

Mazima abo abaakaafuwala ne balyazaamaanya, Allah tabangako wa kubasonyiwa wadde okubalungamya eri ekkubo (eggolokofu) wabula (okubazza eri) ekkubo ly'omuliro Jahannama nga ba kugubeeramu olubeerera. Ekyo nno eri Allah kyangu nnyo.

Omushiriku yenna alemedde ku shirik taba n'essuubi nti osanga Allah ﷻ alimusonyiwa ng'atuuse mu maaso ge olw'ebirungi bye yakolera Obusiraamu n'abasiraamu, oba nti alimunyonnyola ennaku eyamutwala mu ssabo; ng'obugumba oba obujja, oba obwavu, oba endwadde ezitawona, oba ebbula ly'emirimu, oba ababbi abamumalirangawo emmere, oba okunoonya obululu Allah ﷻ n'amuwuliriza n'amuddiramu. Omuntu ateekeddwa okumanya nti teri muswiiba gusinga kuyingira muliro. Era ateekeddwa okumanya nti teri bubuyabuya businga kudduka kizibu kitono ate nga bwe weesuula mu kizibu ekinene ennyo okusinga kiri ky'odduka!!

Ekyo omuntu ateekeddwa okuba ku nsi ng'akimanyi bulungi; nti Allah ﷻ tasonyiwa mushiriku wadde okumusaasira. N'oyo alina omuntuwe gw'akakasa obulungi nti yafa alemedde ku busamize ng'ate akimanyi nti shirik Allah ﷻ yamugaana, amanye nti Allah ﷻ talimusonyiwa ng'obujulizi obwo waggulu n'obulala bungi obutaleeteddwa bwe bukyoleka obulungi.

OMUSHIRIKU BWE YEENENYA ALLAH ﷻ AMUDDIZA EMIRIMU GYE EMIRUNGI

Omusiraamu ow'ekitiibwa, kimanye nti olw'okusaasira kwa Allah ﷻ, n'olw'okwanguyiza abaddu be n'okubasikiriza okwenenya bawone ekibambulira ky'omuliro ekiboolekedde singa bafiira ku shirik, Allah ﷾ yasalawo nti singa omuntu yeenenya olwenenya olw'amazima n'ava ku shirik nga tannafa, Allah ﷿ amusonyiwa era n'amuddiza n'emirimu gye emirungi gyonna gye yakulembeza okukola. Yagamba Allah ﷿ nti:

﴿ وَمَن يَرْتَدِدْ مِنكُمْ عَن دِينِهِۦ فَيَمُتْ وَهُوَ كَافِرٌ فَأُوْلَٰٓئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَٰلُهُمْ
فِي ٱلدُّنْيَا وَٱلْءَاخِرَةِۖ وَأُوْلَٰٓئِكَ أَصْحَٰبُ ٱلنَّارِۖ هُمْ فِيهَا خَٰلِدُونَ ﴿٢١٧﴾ ﴾ البقرة

N'oyo akyuka mummwe n'ava mu ddiini ye (ey'obusiraamu), n'afa nga mukaafiiri, abo (ab'engeri eyo) emirimu gyabwe giba gisaanyewo ku nsi ne ku nkomerero era abo be ba nannyini muliro gwe batalivaamu obugenderevu n'obugenderevu.

Yagamba omumanyi ow'ekitiibwa ennyo, Sheikh Abdurrahmaan Ibn Naaswir Assa'adie – Allah ﷻ amusaasire – ng'anyonnyola Ayat eyo waggulu mu Tafsiir ye ey'ekitiibwa eyitibwa: Taysiirul Kariim Arrahmaan nti:

Ayat eno etegeeza nti arutadda n'ava mu Busiraamu, oluvannyuma n'akomawo mu Busiraamu nga tannafa, emirimu gye (emirungi) gye yakola nga tannarutadda Allah ﷻ agimuddiza.

Mu Ayat eyo era mulimu obujulizi obweyolefu obwongera okukkaatiriza akabenje ka shirik ak'okubiri – ke twalabye waggulu – nti omuntu bw'afa nga mukaafiiri talinaayo mulimu mulungi gwonna gw'asanga eri Allah ﷻ.

N'omuntu yenna bw'aba ng'abadde mukaafiiri ow'ekikolo atasiramukangako, oluvannyuma n'asiramuka, Allah ﷻ olw'okusaasira kwe n'obulungi bwe eri abaddu be, akkiriza emirimu gye gyonna emirungi Obusiraamu gye bukubiriza gye yakolera mu ddiini ye ey'ekikaafiiri gye yalimu, wadde yagikola mukaafiiri. Ate emibi gyonna n'agisazaamu. Swahaaba ayitibwa Hakiim Ibn Hizaam رضي الله عنه yabuuza omubaka Muhammad ﷺ nti:

يَا رَسُولَ اللَّهِ، أَرَأَيْتَ أَشْيَاءَ كُنْتُ أَتَحَنَّثُ بِهَا فِي الجَاهِلِيَّةِ مِنْ صَدَقَةٍ أَوْ عَتَاقَةٍ، وَصِلَةِ رَحِمٍ، فَهَلْ فِيهَا مِنْ أَجْرٍ؟ فَقَالَ النَّبِيُّ ﷺ: أَسْلَمْتَ عَلَى مَا سَلَفَ مِنْ خَيْرٍ

(متفق عليه)

Owange ggwe omubaka wa Allah! Olaba otya emirimu emirungi gye nnakolanga nga sinnasiramuka, omuli okusaddaaka, n'okuta abaddu, n'okuyunga oluganda, emirimu egyo ngifunamu empeera? Nabbi n'amugamba nti: Osiramukidde ku kukkirizibwa kw'ebirungi bye wakulembeza okukola.

N'omubaka Muhammad ﷺ yabuuza Swahaaba ayitibwa Abdullah Ibn Amri Ibn Al Aaswi رضي الله عنه nti:

أَمَا عَلِمْتَ أَنَّ الإِسْلامَ يَهْدِمُ مَا كَانَ قَبْلَهُ؟ وَأَنَّ الْهِجْرَةَ تَهْدِمُ مَا كَانَ قَبْلَهَا؟ وَأَنَّ الْحَجَّ يَهْدِمُ مَا كَانَ قَبْلَهُ؟ (رواه مسلم)

Obadde tomanyi nti Okusiramuka kumenyawo (ebibi) byonna ebyakulembera? Nti era n'okusenguka okuva mu bifo by'abakaafiiri okudda mu by'abasiraamu kumenyawo (ebibi) byonna ebyakulembera? Nti era ne Hijja (entuufu) emenyawo (ebibi) byonna ebyakulembera?

AKABENJE AK'OKUNA

Bw'oba okitegedde nti omuntu bw'akola shirik afuluma mu Busiraamu n'afuuka omukaafiiri, era n'emirimu gye emirungi ne gisazibwamu, era n'okitegeera nti bw'afa nga teyeenenyezza Allah ﷻ talimusonyiwa, kimanye nti obubenje obwo obusatu obukulembedde bwe bukungaanira ku muntu bumusuula mu kabenje ak'okuna era nga ke kasingira ddala okuba akabi ku bwonna!

Akabenje ako, kwe kuba nti Allah ﷻ amuyingiza omuliro Jahannam n'aguseegeramu era n'agusiraaniramu era tagufulumamu obugenderevu n'obugenderevu!!! Si kugubeeramu buwumbi na buwumbi bwa myaka, wabula kugubeeramu lubeerera! Kugubeeramu emirembe n'emirembe!

Singa ebintu byonna ebiri ku nsi Allah ﷻ abiggyako, ensi yonna n'agijjuzaamu empeke z'obulo zokka, n'alagira ekinyonyi buli mwaka kinonengayo empeke y'akalo emu yokka kigitwalenga ku mwezi, n'ategeeza abakaafiiri b'omumuliro nti ekinyonyi ekyo bwe kirisomba obulo bwonna obuli kunsi ne kibumalawo nga bava mu muliro, gaalibadde mawulire malungi nnyo nnyo nnyo eri abakaafiiri abali mu muliro!!!

Kubanga ekiseera kyalituuse - nebwe kyaliwanvuye oluwanvuwa olutayingira mu bwongo - obulo ne buggwa kunsi ne bagufulumamu. Kyokka bwe kityo ssi bwe kiri; bagenda kugubeeramu obugenderevu n'obugenderevu – nga Allah tebamuluma, wadde okuluma ba malaika be, wadde okuluma Abakkiriza abaliba mu Jjana mu kiseera ekyo!! Nsaba Allah سبحانه وتعالى atutaase emitima egitatya, egiteebuulirira wadde okubuulirirwa. Yagamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ إِنَّهُۥ مَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيْهِ ٱلْجَنَّةَ وَمَأْوَىٰهُ ٱلنَّارُ ۖ وَمَا لِلظَّـٰلِمِينَ مِنْ أَنصَارٍ ﴿٧٢﴾ ﴾ المائدة

Mazima oyo yenna agatta ku Allah ekintu kyonna, mazima ddala Allah yaziyiza Ejjana ku ye, Era obuddo bwe muliro, era abalyazaamaanya tebalifuna mutaasa yenna.

N'agamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَعَنَ ٱلْكَـٰفِرِينَ وَأَعَدَّ لَهُمْ سَعِيرًا ﴿٦٤﴾ خَـٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدًا ۖ لَّا يَجِدُونَ وَلِيًّا وَلَا نَصِيرًا ﴿٦٥﴾ ﴾ الأحزاب

Mazima Allah yakolimira abakaafiiri (yabagoba mu kusaasira kwe) n'abategekera omuliro ogwokya, tebaligufulumamu obugenderevu n'obugenderevu, era tebalifuna mukuumi wadde omudduukirize.

N'agamba era nti:

﴿ يُرِيدُونَ أَن يَخْرُجُواْ مِنَ ٱلنَّارِ وَمَا هُم بِخَٰرِجِينَ مِنْهَا ۖ وَلَهُمْ عَذَابٌ مُّقِيمٌ ﴿٣٧﴾ ﴾ المائدة

Balyegomba okufuluma mu muliro kyokka nga tekisoboka kugufulumamu, era balina ebibonerezo eby'olubeerera.

N'agamba ﷻ nti:

﴿ وَعَدَ ٱللَّهُ ٱلْمُنَٰفِقِينَ وَٱلْمُنَٰفِقَٰتِ وَٱلْكُفَّارَ نَارَ جَهَنَّمَ خَٰلِدِينَ فِيهَا ۚ هِىَ حَسْبُهُمْ ۚ وَلَعَنَهُمُ ٱللَّهُ ۖ وَلَهُمْ عَذَابٌ مُّقِيمٌ ﴿٦٨﴾ ﴾ التوبة

Allah yalagaanyisa abannanfuusi abasajja n'abakazi n'abakaafiiri omuliro Jahannama gwe batalivaamu, gwe gubagwanira, era Allah yabakolimira (yabagoba mu kusaasira kwe), era balina ebibonerezo eby'olubeerera.

Baakolanga shirik basobole obutafa, kyokka kati bali mu muliro beegomba bafe baguwone naye nga tebasobola kufa wadde okwetta!! Baliva mu kukaaba n'okulaajana ne badda mu kuyiriitira olw'obusukkulumu bw'obulumi kyokka ng'ebibonerezo tebikendeerako wadde okusiriikirizibwamu akatono ennyo. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَٱلَّذِينَ كَفَرُواْ لَهُمْ نَارُ جَهَنَّمَ لَا يُقْضَىٰ عَلَيْهِمْ فَيَمُوتُواْ وَلَا يُخَفَّفُ عَنْهُم مِّنْ عَذَابِهَا ۚ كَذَٰلِكَ نَجْزِى كُلَّ كَفُورٍ ﴿٣٦﴾ ﴾ فاطر

N'abo abaakaafuwala balina omuliro Jahannama. Tegulibatta (nti bafe bawummule), wadde okuba nti balikendeerezebwa ku bibonerezo byagwo, bwe tutyo bwe tusasula buli yenna akaafuwala.

N'agamba ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱلْمُجْرِمِينَ فِى عَذَابِ جَهَنَّمَ خَٰلِدُونَ ﴿٧٤﴾ لَا يُفَتَّرُ عَنْهُمْ وَهُمْ فِيهِ مُبْلِسُونَ ﴿٧٥﴾ وَمَا
ظَلَمْنَٰهُمْ وَلَٰكِن كَانُوا۟ هُمُ ٱلظَّٰلِمِينَ ﴿٧٦﴾ ﴾ الزخرف

Mazima abajeemu (abakaafiiri) ba kuba mu muliro Jahannama obugenderevu n'obugenderevu. (Ebibonerezo byabwe) tebirikendeezebwako era ba kugubaamu mu (kwejjusa okw'obulumi) nga n'essuubi ly'okuwona libaweddemu. Tetubangako balyazaamaanya gye bali wabula bo bennyini be baali abalyazaamaanya.

Essuubi liribaggwamu, balyekyawa, balyejjusa okwejjusa okutalina mugaso! Balyewuunya obuyitirivu bw'obubuze bwabwe, n'obuwewufu bw'amagezi gaabwe, n'obuzito bw'obukaafiiri bwabwe, n'obusukkulumu bw'obulyazaamaanya bwabwe abwabatuusa okulekawo Omutonzi waabwe eyabatonda ne batebenkera n'amasabo nga baali bakimanyi bulungi nti amajinni (lubaale) ge basaba gabamalire ebyetaago Allah ye yagatonda, n'amasabo gennyini gaazimbibwa na miti Allah gye yatonda, ne gaserekebwa n'essubi Allah lye yatonda, era baali bakimanyi bulungi nti abalagula n'abalagulwa bonna Allah ye yabatonda era balya mmere ye, era banywa mazzi ge era bassa mukka gwe! Balekawo batya Omutonzi ne basinza ebitonde?!!!!

Bwali bujoozi bwa maanyi okukwata bitonde binnaabwe ne babiwa ebitiibwa ebyeyawulidde omutonzi w'ebitonde byonna! Ne babisaba bye bitaatonda! Ne babisaba obugagga nga bamativu nti nabyo byavu! Ne babisaba obukuumi nga nabyo biwangaalira mu kutya! Ne babyekingiriza obutafuna bizibu nga nabyo bijjuzza ebizibu!!

Baali babuyabuya nnyo okulowooza nti omuliro ogw'olubeerera gwe mwangu okugumiikiriza okusinga obwavu, oba obugumba, oba obulwadde obw'ekiseera obuseera. Balikkiriza nga bali mu muliro nti baali babazi babi, ababuze ab'olulango, ababuyabuya abatawunyikamu - naye nga mu kiseera ekyo tekirina we kibayambira. Allah ﷻ atutegeeza nti balirayira nga balangira bye baasinzanga ebitali Allah ﷻ nti:

﴿ تَٱللَّهِ إِن كُنَّا لَفِى ضَلَـٰلٍ مُّبِينٍ ﴿٩٧﴾ إِذْ نُسَوِّيكُم بِرَبِّ ٱلْعَـٰلَمِينَ ﴿٩٨﴾ ﴾ الشعراء

Tulayira Allah! Twali mu bubuze obw'olwatu; bwe twabenkanyankanyanga n'omulezi w'ebitonde.

Abasiraamu ab'ebitiibwa, oyo yenna alina obumativu nti agenda kufa asisinkane Allah ﷻ eyamutonda, yeewale shirik n'amaanyi ge gonna. Edduniya teriimu bulamu bujjuvu, teriimu byengera bijjuvu. Ebijjuvu biri mu Jjana mwokka. Omuntu ateekeddwa okugezesebwa n'okulwala, oba okulogebwa, oba okwavuwala, oba obugumba, oba enjala, oba okutya, oba okukyayibwa gw'ayagala, oba okufiirwa abaagalwa be.

Oba okulwaza abaagalwa be, oba okuzaala abaana ab'obumogo, oba okufiirwa emmaali, oba okubulwako by'ayagala, oba okusibwa, n'ebigezo ebirala bingi – kyokka ateekeddwa kukwata makubo gokka Allah ﷻ g'akkiriza okubivvuunuka.

Bw'abivvuunuka nga yeebaza Allah ﷻ bw'atabivvuunuka ng'agumiikiriza – tewali kkubo ly'akusatu. Yagamba Allah ﷻ ng'atutegeeza ensonga eyo nti:

﴿ وَلَنَبۡلُوَنَّكُم بِشَيۡءٖ مِّنَ ٱلۡخَوۡفِ وَٱلۡجُوعِ وَنَقۡصٖ مِّنَ ٱلۡأَمۡوَٰلِ وَٱلۡأَنفُسِ وَٱلثَّمَرَٰتِۗ وَبَشِّرِ
ٱلصَّٰبِرِينَ ١٥٥ ٱلَّذِينَ إِذَآ أَصَٰبَتۡهُم مُّصِيبَةٞ قَالُوٓاْ إِنَّا لِلَّهِ وَإِنَّآ إِلَيۡهِ رَٰجِعُونَ ١٥٦ ﴾ البقرة

Mazima ddala tujja kubagezesa n'ekintu kyonna: omuli okutya, n'enjala, n'okufiirwa emmaali, n'okufa, n'okufiirwa ebirime. Kyokka sanyusa Abagumiikiriza; abo abagamba nga bagezeseddwa nti: Mazima ffe tuli ba Allah era gy'ali gye tudda.

N'agamba omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Suhaib Ibn Sinaan ﷜ ng'atulaga nti obulamu bw'omukkiriza bubeera wakati wa bugumiikiriza n'okwebaza, nti:

عَجَبًا لِأَمْرِ الْمُؤْمِنِ، إِنَّ أَمْرَهُ كُلَّهُ خَيْرٌ، وَلَيْسَ ذَاكَ لِأَحَدٍ إِلاّ لِلْمُؤْمِنِ، إِنْ أَصَابَتْهُ
سَرَّاءُ شَكَرَ، فَكَانَ خَيْرًا لَهُ، وَإِنْ أَصَابَتْهُ ضَرَّاءُ، صَبَرَ فَكَانَ خَيْرًا لَهُ (رواه مسلم)

Omukkiriza yeewuunyisa! Mazima embeera ze zonna ziba nnungi! Ate ng'ekyo tewali akifuna okuggyako nga Mukkiriza: Bw'afuna ekimusanyusa nga yeebaza (Allah), ekyo ne kiba kirungi gy'ali. Ate bw'agezesebwa n'ekimunakuwaza ng'agumiikiriza, era nga kiba kirungi gy'ali.

Oyo yenna atali mwetegefu kugezesebwa ku nsi amanye nti ali mu kifo kikyamu. Ensi nyumba ya bigezo, Ejjana y'ennyumba y'emirembe n'obutebenkevu. Yeesiimye oyo atidde shirik

ng'akyali ku nsi n'amwewala n'atalinda kusooka kulabako ku bibonerezo bya Allah ﷻ mbu awo alyoke akkirize kyokka ng'okukkiriza kwe tekukyalina mugaso. Zibasanze abo abeewombekedde mu masabo kyokka nga tebalina keeraliikirira konna mu bibonerezo by'omutonzi w'enjuba n'omwezi.

Essanyu lyabwe ery'olubeerera Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ lye yabateekerateekera baliwaanyisizzaamu ebibonerezo ebitalojjeka mu kuluma n'ebikangabwa ebitalojjeka ntiisa yaabyo - olw'okwagala babeere bulungi ku nsi! Kyokka n'ensi ebaleetedde okukaafuwala n'okufiirwa Ejjana egaanye okubanyumira!!!

Gwe alina omutima omulamu, n'amagezi ag'omugaso, gumiikiriza togatta ku Allah ﷻ kantu konna, ebula akaseera katono nnyo ofe odde eri Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ Omusaasizi ennyo akuwe buli ky'akuyitako ku nsi, akujjulize buli kyakukendeerako ku nsi, akwerabize ebigezo ebikusuza otudde, akusukkulumye ku baakulengezzanga ku nsi. Ba mumativu nti Ejjana ya mazima, n'omuliro gwa mazima, n'endagaano ya Allah ﷻ ya mazima, ajja kukuwa omatire, omatirire ddala. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ يَـٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ إِنَّ وَعْدَ ٱللَّهِ حَقٌّ ۖ فَلَا تَغُرَّنَّكُمُ ٱلْحَيَوٰةُ ٱلدُّنْيَا ۖ وَلَا يَغُرَّنَّكُم بِٱللَّهِ ٱلْغَرُورُ ﴿٥﴾ ﴾ فاطر

Abange mmwe abantu! Mazima endagaano ya Allah ya mazima. Obulamu bw'ensi (obukendeevu) tebubeeyinuza (ne bubafiiriza obw'enkomerero obujjuvu), era temukkiririzanga ddala omuguumaaza (shaitwan) okubeeyinuza n'abaguumaaza n'abaggya ku Allah.

N'agamba Allah سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ nti:

﴿ وَلَسَوۡفَ يُعۡطِيكَ رَبُّكَ فَتَرۡضَىٰٓ ٥ ﴾ الضحى

Era Omulezi wo (Allah) ajja kukuwa osiime.

N'agamba ﷻ nti:

﴿ وَٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ وَعَمِلُواْ ٱلصَّٰلِحَٰتِ سَنُدۡخِلُهُمۡ جَنَّٰتٖ تَجۡرِي مِن تَحۡتِهَا
ٱلۡأَنۡهَٰرُ خَٰلِدِينَ فِيهَآ أَبَدٗاۖ وَعۡدَ ٱللَّهِ حَقّٗاۚ وَمَنۡ أَصۡدَقُ مِنَ ٱللَّهِ قِيلٗا ١٢٢ ﴾ النساء

N'abo Abakkiriza ne bakola n'emirimu emirungi, tujja kubayingiza Ejjana ekulukutiramu emigga bagibeeremu obugenderevu n'obugenderevu. Endagaano ya Allah ya Mazima. Ate ani asinga Allah okwogera amazima?

Taliiyo ayinza kukusinga kwogera mazima ayi Allah ﷿. Taliiyo, Taliiyo. Tukusaba otuwe obugumiikiriza, otutaase ebigezo byo kubanga tuli banafu, otutaase shirik yenna, tubeere mw'abo b'oliyingiza Ejjana yo ey'ekitiibwa. Mazima gw'oliyingiza omuliro aliba anyoomoose nnyo. Aliba azikiridde nnyo owange ggwe Omutonzi waffe.

﴿ رَبَّنَآ إِنَّكَ مَن تُدۡخِلِ ٱلنَّارَ فَقَدۡ أَخۡزَيۡتَهُۥۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنۡ أَنصَارٖ ١٩٢ ﴾ آل عمران

Omulezi waffe! Mazima gw'oliyingiza omuliro ddala ddala oliba omukkakkanyizza nnyo. Era abalyazaamaanyi tebalifuna mutaasa yenna.

Soma ekitabo: ***Ddala Ddala Oli Musiraamu?*** oyongere okunnyonnyoka obulungi ensonga eno.

ALLAH ﷻ AKKIRIZA OKWENENYA KW'OMUSHIRIKU

Mu byengera ebiri mu ddiini y'obusiraamu, mwe muli okuba nga Allah ﷻ yagaziya omulyango gw'okwenenya eri oyo yenna asalawo mu mazima ne yeenenya ezzambi lyonna ly'abadde yeebagala ne bwe liba ddene nnyo nga likaafuwaza nga shirik. Ggwe abadde akola shirik, oli nnamukisa nnyo okuba nti okyali mulamu era okyasobola okwenenyeza Allah ﷻ n'akkiriza okwenenya kwo n'owona okuba mu muliro ogw'olubeerera.

Abantu bangi nnyo abafiiridde ku shirik abatakyalina busobozi bwenenya. Bali mu biwoobe n'entiisa ey'ekitalo! Bali mu kwejjusa okutalina kye kukyusa! Bali mu kwevuma bussiru n'obutabala! Bali mu bulumi obuyitirivu obutalina nkomerero! Essuubi ly'okuwona lyabaggwamu dda ate nga mu butuufu teririiyo. Baamatira obulimba bw'omulabe waabwe shaitwan ate ne balimbisa amazima g'omutonzi waabwe Allah! Tebakyalina kakisa konna kadda kunsi beenenye bave ku shirik.

Baagaana okugumiikiriza emyaka emitono ennyo gye baamala ku nsi ne beesuula mu kubonaabona okw'olubeerera! Obwo nno bwe butabala obusingira ddala okuba obubi. Kati ggwe akyali omulamu, ng'obadde okola shirik, olina essabo, ogenda mu ssabo, okuba ekitabo, ogema enkuba, oyalula abalongo, oyabya olumbe, weesiba zi yirizi, oba ziri mu baana bo, otunda ebyawongo, ofuuwa emmindi, ologa, osulika enseenene, omala ekizadde, okkiririza mu mulongo kasowole, yanguwa nnyo weenenye.

Allah ﷿ ajja kukusonyiwa era akuddize emirimu gyo gyonna gye yali yasazaamu olwa shirik gw'obadde okola. Yagamba Allah ﷾ nti:

﴿ ۞ قُلْ يَٰعِبَادِيَ ٱلَّذِينَ أَسْرَفُواْ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُواْ مِن رَّحْمَةِ ٱللَّهِۚ إِنَّ ٱللَّهَ يَغْفِرُ
ٱلذُّنُوبَ جَمِيعًاۚ إِنَّهُۥ هُوَ ٱلْغَفُورُ ٱلرَّحِيمُ ٥٣ وَأَنِيبُوٓاْ إِلَىٰ رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُواْ لَهُۥ مِن قَبْلِ
أَن يَأْتِيَكُمُ ٱلْعَذَابُ ثُمَّ لَا تُنصَرُونَ ٥٤ ﴾ الزمر

Bagambe nti: (Allah abakoowoola nti): Abange mmwe abaddu bange abeewalaze amazambi aga buli kika! Temuggwangamu essuubi ly'okusaasira kwa Allah; Mazima Allah asonyiwa amazambi gonna. Mazima Musonyiyi nnyo, Omusaasizi ennyo. Era mwenenyeze Omulezi wammwe era mumujeemulukukire, ng'ebibonerezo tebinnabajjira ate mubulwe abibataasaako.

N'agamba ﷿ nti:

﴿ قُل لِّلَّذِينَ كَفَرُوٓاْ إِن يَنتَهُواْ يُغْفَرْ لَهُم مَّا قَدْ سَلَفَ ٣٨ ﴾ الأنفال

Gamba abo abakaafu nti: Singa balekeraawo (ne bava ku bukaafiiri bwabwe), bajja kusonyiyibwa (ebibi) byonna ebyakulembera.

OBUKWAKKULIZO BW'OKWENENYA

Akakwakkulizo akasooka, kwe kuyimiriza ezzambi ly'obadde okola. Bwe weenenya ezzambi ng'ate bw'ogenda mu maaso n'okulikola, okwenenya kwo kufu era tekukkirizibwa.

Akakwakkulizo ak'okubiri, kwe kumalirira mu mutima gwo nti toliddayo kukola zzambi eryo. Omuntu bw'ayimiriza ezzambi, kyokka nga mu mutima gwe mumalirivu okuddamu okulikola nga wayiseewo ekiseera, era okwenenya okwo kuba kufu. Kyokka bw'aligwamu oluvannyuma lw'okulyenenya nga yali amaliridde obutaliddamu, awo addamu ne yeenenya.

Akakwakkulizo ak'okusatu, kwe kufuna okwejjusa mu mutima olw'okukola ezzambi eryo. N'otamwa okuliddamu wadde okulinyumya mu ngeri y'okulyenyumirizaamu. Yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed Al Answarie ؓ nti:

النَّدَمُ تَوْبَةٌ، والتَّائِبُ مِنَ الذَّنبِ كَمَنْ لاَ ذَنبَ لَهُ

(رواه ابن مندة وأبوا نعيم وحسّنه الألباني في صحيح الجامع)

Okwejjusa kye kinyusi ky'okwenenya. N'oyo yenna eyeenenya ezzambi aba ng'atalikolangako.

Ate ensobi bw'oba wagikola muntu munno, awo kweyongerako akakwakkulizo ak'okuna; oteekeddwa okuzzaayo kye wamulyazaamaanya. Bwe kiba kikalu, kizzeeyo. Bwe kiba kitiibwa kye nga kye watyoboola, musabe akusonyiwe. Okwenenya kuno kugasa omuddu ebbanga ly'amala ng'omwoyo gwe tegunnatuuka mu ddookooli lye nga gumuggyibwamu wadde okuba ng'enjuba emaze okuviirayo ku ludda

lw'egwiirako. Anti mu kiseera ekyo okwenenya n'okusiramuka tebigasa nga Nabbi ﷺ bwe yakitukakasa obulungi.

Kimanye era nti si kakwakkulizo ku muntu akoze ekikaafuwaza nti ateekeddwa okuddamu okuleeta shahaada bupya alyoke adde mu Busiraamu. Kimumalira okukivaako, n'okumalirira obutakiddamu, n'okwejjusa mu mutima gwe – okudda mu Busiraamu. Obukwakkulizo obusatu bwe twalabye waggulu bw'abutuukiriza, aba amaze okudda mu Busiraamu.

Omuntu bw'aba yagendako mu ssabo emyaka 5 egiyise, n'amala n'ategeera nti ekyo ky'akola kibi era kikaafuwaza, n'ataddayo, era n'amalirira obutakiddamu, era n'afuna okwejjusa mu mutima gwe, ekyo kyamumalira okudda mu Busiraamu wadde teyaddako wabbali n'aleeta shahaada nti ***Laa Ilaaha Ill'Allah***. Okumanya okujjuvu kwa Allah ﷻ.

OKUWUMBAWUMBA

Mu bufunze ennyo, obwo bwe bubenje bwa shirik obuna obusingira ddala okuba obw'obulabe eri omuntu. Tebuli buna bwokka, wabula obwo bwe busingira ddala okuba obw'omutawaana. Beera ng'omutima gwo gubujjukira buli kiseera osobole okubutya n'okubwewala. Okubulaamira abaana bo kikulu nnyo okusinga okubalaamira n'okuwanika mu ddiiro lyo nti: "Abaana n'abazzukulu omuziro gwaffe Kasimba." Anti akasimba tekataasa muliro, wadde okuyingiza Ejjana, wadde okutereeza edduniya y'omuntu.

Kakasa nti abaana bo bakuliramu okutya obubenje obwo. Twala obudde - waakiri omulundi gumu buli week - onyumyeko nabo

ku ddiini yaabwe okakase nti enzikiriza yaabwe ntuufu. Ky'ogulumiza mu maaso gaabwe kye bajja okugulumiza, era ky'owewula mu maaso gaabwe kye bawewula. Gulumiza Akhira owewule edduniya. Tolaba nga bwe wayitiriza okwenyinyala embizzi nabo bagyenyinyala okusinga kaabuyonjo?!

Okuleka ku nsi abaana abataawula kisinzibwa mu butuufu ku bisinzibwa mu bukyamu kye kigwana okweraliikiriza ennyo omuzadde alina omutima omulamu n'obwongo obw'omugaso - okusinga bwe yeeraliikirira abaana be kye balirya ng'avuddewo. Eyo y'enkola ya ba Nabbi ba Allah ﷻ. Allah atunyumiza ku Nabbi we Ya'quub عليه السلام nti:

﴿ أَمْ كُنتُمْ شُهَدَآءَ إِذْ حَضَرَ يَعْقُوبَ ٱلْمَوْتُ إِذْ قَالَ لِبَنِيهِ مَا تَعْبُدُونَ مِنۢ بَعْدِى قَالُوا۟ نَعْبُدُ إِلَٰهَكَ وَإِلَٰهَ ءَابَآئِكَ إِبْرَٰهِـۧمَ وَإِسْمَٰعِيلَ وَإِسْحَٰقَ إِلَٰهًا وَٰحِدًا وَنَحْنُ لَهُۥ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٣﴾ ﴾ البقرة

Oba mwaliwo mu kiseera okufa we kwasemberera Nabbi Ya'quub: Bwe yagamba abaana be nti: Munaasinza ki nga nvuddewo? Ne bamugamba nti: Tujja kusinza oyo gw'obadde osinza (Allah) era oyo ne ba taatabo Ibrahiim, ne Isma'eel, ne Ishaaq gwe baasinzanga. Oyo asinzibwa omu yekka mu butuufu, era y'oyo gwe twasiramukira.

Kakasa nti bakimanyi bulungi nnyo nti akola shirik afuluma mu Busiraamu, ate bw'afuluma mu Busiraamu emirimu gye gyonna Allah ﷻ agisazaamu, ate bw'afa nga teyeenenyezza Allah ﷻ tamusonyiwa era taliva mu muliro obugenderevu n'obugenderevu.

Mmaliriza nga mbajjukiza ekigambo Sheikh waffe ow'ekitiibwa **Abdul-Kariim Ssentamu** – Allah عَزَّ وَجَلَّ amusaasire, amusonyiwe byonna ebyamusobako, akimuteere mu yirimu egasa gye yaleka - kye yayitirizanga ennyo okutujjukiza; yatugambanga nti: **"Ticket eri emu yokka ya magenda gokka, teri kudda kutereeza byatusobako!"** Alifa nga mushiriku talifuna kakisa konna kadda ku nsi abeere Omukkiriza, n'alifa nga mwonoonefu talifuna kakisa kadda kubeera mulongoofu - weegendereze.

Nsaba Allah جَلَّ جَلَالُهُ Omusaasizi ennyo, atendebwa n'amatendo amajjuvu agataliimu bukendeevu bwonna, atazaala era at'azaalibwa, omukenkufu omukwatampola, asse omukisa mu kitabo kino era agase nakyo abaddu be. Musaba akitufuulire ensonga y'okuwona ebibonerezo bye ebyo bye yategekera abakaafu n'abajeemu.

Musaba akkirize nti nkiwandiise ku lulwe era ansonyiwe ensobi yonna ekirimu. Ayi Allah عَزَّ وَجَلَّ nkusaba osse okusaasira kwo ku Basiraamu bonna era obasonyiwe byonna ebibasobako obayingize Ejjana ey'ekitiibwa. Nkusaba osse okusaasira n'emirembe ku Mubaka wo Muhammad ﷺ n'abantu b'ennyumba ye, ne ba Swahaaba be n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.

تم بحمد الله

Muhammad Quraish Mazinga
Dar Al Hadiith
Fuyuush
Aden
Islamic Republic of Yemen
shkmazinga@gmail.com
0702 55 10 77

EBIRI MUNDA

OMUTWE **PAGE**

Copyright Reserved

Irshaad Islamic Publishers.